# Amasomero bwe gaayisizza abayizi mu ddaala erisooka

Bya MUSASI WAFFE

EBYAVA mu bigezo bya UNEB ebya P.7 eby'omwaka gwa 2025 ebyafulumiziddwa wiiki ewedde, byalaze nti abayizi baayitidde waggulu okusinga bannaabwe abaatuula mu 2024.

Ssaabawandiisi wa UNEB, Dan N. Odongo bwe yabadde afulumya ebyava mu bigezo by'omwaka oguwedde mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero, yalaze nti abayizi 817,883 be beewandiisa okutuula ebibuuzo by'akamalirizo okuva mu bifo ebituulirwamu 15,388.

Kyokka abaatuulira ddala eby'akamalirizo baali 817,883. Bannaabwe abawera 10,570 abaali beewandiisizza kyokka tebaalabikako. Abayizi 91,990 be baayitidde mu gguleedi esooka (ebitundu 11.39 ku 100) ku bayizi bonna abaatuula. Mu 2024, abayizi 84,301 be baayitira mu gguleedi esooka (ebitundu 10.7 ku 100). Kino kiraga nti beeyongeddeko abayizi 7,689.

UNEB egamba abayizi abaayitidde mu gguleedi esooka bandibadde basingawo, kyokka essomo lya SST lyakubye bangi ne bafundikira nga bayingidde gguleedi eyookubiri.

Olwaleero, **Bukedde** akusengekedde amasomero n'omuwendo gw'abayizi abaayitidde mu gguleedi esooka. **Laba P13, 14, 15 ne 16.**



Odongo owa UNEB.